

obusonnyiyiddwa ebibi. N'olwekyo ebikolwabye mu musango bwebujjulizi bwokka obwokukkiriza kwomukristayo “ Nzikiririza mukusonnyiyibwa kw'ebibi”.

Abo bonna abenanya ebibi byabwe mu Mukama waffe Yesu Kristo ng'Omulokozi waabwe era nga Mukama waabwe balina okusuubiza okw'amazima okw'okusonyiyibwa ebibi byaabwe n'obulamu obutaggwaawo. Oneteeka wansi w'ekisa kya Katonda mu Kristo Yesu? Saba okusaba kuno okumpi eri Katonda kakati era naye tajja kugobera bweeru.

Mukama mmanyi nti obulamu bwange bubadde ngabujjudde ekibi n'okwerowoozako. Ai Katonda nsonyiwa ebibi byange era ombikeko n'obutuukirivubwo. Okuva leero n'okweyongerayo mu maaso mubulamu bwange ntandike bulijjo okwesiganga Kristo ng'Omulokozi wange era Mukama w'obulamu bwange. Bulijjo kankoolenga okusonyiyibwaako era n'ekisakyo mu Kristo era kantandike okwaagala n'okusonyiwa abantu abalala nga bwonjagadde n'osonyiwa era nga bwowewaayo kububwo wekka kumusaalaba.

Bino Ai Yesu mbisabye mulinnyalyo. Amiina.

Eby'okuyiga bino eby'obukristayo bikulekeddwa muliranwawo:




Present Truth Magazine
www.PresentTruthMag.org

Wawulidde...

Amawulire Amalungi?



Ebibi byo Bisonyiyiddwa !!



Okusonnyiyibwa Ekibi

Yesu nga tanalinya muggulu, yawa abayigirizwaabe ekiragiro:

Mugende mumsi zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna. —Makko 16:15

Lukka naye awandiika ekiragiro kino mungeri yeemu oba mubigambo byebimu:

Nagamba nti Bwekityo bwekyawandiikibwa, Kristo okubonyabonyezebwa n'okuzuukira mubafu kulunaku olwokusatu; era amawanga gonna okubuulirwanga okwenenya n'okuggyibwako ebibi mulinyalye, okusookera mu Yerusalemi. —Lukka 24:47

Ngatugerageranya ebyawandiikibwa bino ebibiri kyeraga lwatu nti ekinnyusi ky'enjiri *kwekusonnyiyibwa ebibi*. Buno bwebubaka Yesu Kriso bweyalagira ekkansa ye ebuulire. Kulunaku olwo olwa Pentekote, Petero yalangirira nti:

Mwenenye, era mubatizibwe buli omu kummwe mulinnya Iya Yesu Kristo okugibwako ebibi byammwe; munaawebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu. —Bikolwa 2:38

Ate era, enjiri bweyasooka okubuulirwa abamawanga, Petero yajjuliza ku kilagiro kya Kristo:

Natulagira okubuulira abantu n'okutegeeza ng'oyo Katonda gweyalagira (okubeera) omusazi w'omusango gw'abalumu n'abafu. Oyo banabbi bonna bamutegeeza nga buli amukkiriza aggyibwako ebibi olw'erinnalye. —Bikolwa 10:42-43

Paulo naye yabuulira obubaka bwebumu. Oluvanyuma lw'okulaga mubyawandiikibwa nti Yesu ye Kristo, Omutume yakomekkereza nti:

Kale abasajja ab'oluganda, muteegere nti kubw'oyo okuggyibwako ebibi kubuuliddwa; byonna byemutayiinzika kuggyibwako. —Bikolwa 13:38-39

Buli lwewabeerawo embaga ya Mukama waffe, okusonnyiyibwa kw'ebibi kujjukizibwa. Kristo bweyatoola ekikompe nayogera nti:

Naye okuggyako ngerjiri yetukozesa, tetugenda kukozeza mikono, bigere oba mutima okutuukiriza etteeka Iya Katonda.

Temuvumanga muntu yenna... kubanga era naffe edda twaali basirusiru, abatawulira, abalimbibwa, nga tuweereza okwegomba n'ebinyumu ebitalli bimu, nga tubeera muttima nobuggya, abekyaayisa, era nga tukyaawagana. Naye obulungi Bwomulokozi waffe Katonda n'okwagalakwe eri abantu bwebyalabika, n'atulokola, silwa bikolwa eby'obutuukirivu byetwaakola.
—Tito 3:2

Nga tujukira nti Katonda atulokola okusenziira kukisakye, tubikka engalo zaffe kubummwa bwaffe. Enkolagana yaffe ne bantu banaffe ekyuusibwa newoomerezebwa ne kisa kya Katonda ekibuna obulamu bwonna. Tutandika okukola banaffe ebintu ebirungi nga Katonda bweyandibikoze kuffe.

Paulo agamba “ Ffe kitugwaanira okulabisibwa Kristo walisalira omusango.” Naye tuliba nga twetaaga ekintu ekiritusobozesa okuyimirira mumusango ogw'enkomerero ekirina okusiinga kubutuukirivu bwa bafalisayo.

Kubanga mbagamba nti, obutuukirivu bwammwe bwebutalisinga butuukirivu bwa bawandiisi nabafalisayo, temuliyiingira nakatono mubwakabaka obwomuggulu.
—Matayo 5:20

Twetaaga obutukirivu obw'omwoyo mubikolwa ne mubigendererwa ebiva mu mutima naye tukabirira Katonda nti.” Mukama, kiki ekinaaleta obutukirivu buno? Kukkiriza kyokka bubaka bwa njiiri ey'okusonnyiyibwa kw'ebibi kyekinaaleeta obutuukirivu obwo.



Tewali n'omu yesigamiza meemeye kukusonnyiyibwa kw'ebibi agenda okubula. Era omuntu akola Kino wakubeera nga akola ebikolwa ebirungi. Ebibala ebirungi byakubeera mubulamubwe. Ebikolwa biyiinza okulabika nga ebinyoomebwa. Abantu bayiinza okulabika nga abanyoomebwa. Abantu bayiinza obutakiraba. Naye kennyini akyayiinza obutakiraba. Naye Katonda abilaba kubanga omuntu oyo ali mubulamu

Tetuli wansi wabufuge bw'amateeka. Ekibi tekirina buyiinza kuffe, naye tuli wansi wabufufuge bwa kisa. Kuludda olulala, ekibi kijja kuba nobuyiinza kuffe bwetunaaba ngatetuli wansi wabufuge bwa kisa wabula wansi wabufuge bwamateeka. Tubeera wansi wabufuge bw'amateeka bwetuba ngatetwaagala kubeera abantu abasonnyiyiddwa ebibi. Tubeera wansi w'obufuge bwamateeka bwetuba nga tulwooza nti obanga ebibi ebyayita byasasulirwa, tuyiinza okubeerawo oluvannyuma olw'okutukuzibwa. Eddiini yekifalisayo eseemba kumatiza ebyo amateeka byegalagira okuyita mukutukuzibwa kwaffe okwa buli lunaku.

Eyo bwebanga y'eddiini nga tetuliwo lwa kubanga ebibi byaffe bisonnyiyiddwa, ekibi kijja kubeera mukama waffe. Nga embeera yokuwulira ngolina omusango bwevaako okukola ekibi, engeri eri emu yokka ey'okumenya amaanyi gekibi nga kwekwejjamu embeera eyo. Bwekityo, bwetutegeera obulungi nti obutukirivu bwakristo butuweerwa bwereere, amaanyi ga setani kuffe gaba nga gamennyeddwa Lwaki obutuukirivu bwa Kristo obutuweebwa bumanya amaanyi gomulabe? Nga Paulo bwayogera obutukirivu bwa Kristo bututeeka "wansi we kisa". Baba nga tebakyaalina musango. Obuwulize bwa Kristo bwebuyimirira mukifo kyobuwulize bwaabwe Katonda abatunuulira nga balinga abatayoonangako. Kubanga balina omwoyo omulongoofu, olwo baba nga basobola okuweereza Katonda.

Amazima amakulu ag'okusonnyiyibwa kwebibi gazzaawo enkolagana yaffe ne Katonda. Gatuwa omwoyo omulungi eri Katonda. Abo ababa basonnyiyidwa ebibi bakitegeera nga tebasobola kuyimirira mumaaso ga Katonda awatali kusonnyiyibwa.

Okusonnyiyibwa tekwetaagisa kyokka kuba kwabalirirwe. Luther yategeera nti newankubadde ebikolwa byaffe ebisinga okuba ebirungi, nabyo byetaaga okusonnyiyibwa, abanga munda atoowazibwa olwekisa kya Katonda. Abeerawo ngomusabiriza. Buli kiseera okwegayirirakwo kubeera nti "Onsaasire nnze omunaku alina ebibi". Era singa ategeera nti ayimiridde mumaaso ga Katonda kuddaala eryo, ajja kubeera n'enkolagana empya ne banttu banne. Omukristayo asonnyiyiddwa yemu kristayo asonnyiyiwa.

Mukiseera ky'omusango Katonda agenda kufaayo nnyo ku mwoyo gw'omutima gwomuntu okusinga ebyo ebikolebwa ebyokungulu. Kyannaku, bangi abagenda mu Kkanisa buli Sabiiti nebawa"nekitundu kye kkumi ekya "aneta ne kumino" (Matayo 23:23) bagenda kufiirwa obulamu obutaggwaawo era bagenda kusingibwa omusango. Kisoboka okubeera abegendereza mu mirimu gy'ekkanisa ate nebabeera abataguminkiriza, abakambwe, abatasonnyiyiwa era abatalina kisa, era nga balina emyooyo egitali mirungi.

"Temuvumanga muntu yenna" lyetteeka lya Mukama waffe (Tito 3:2).

Munnywe ku kino mmwena; kubanga kino gwemusaayi gwaange ogw'endagaano oguyiika kulwabangi olw'okuggyawo ebibi. —Matayo 27:28

Okusonnyiyibwa kw'ekibi gemakkati g'okuyiigiriza kw'enjiri.eri omusajja gwebaayisa mukituli waggulu kunnyumba, Yesu yamugamba nti, "Mwaana wange, ebibi byo bikusonnyiyiddwa" (Makko 2:5) Ne Maliyamu, eyefubitika mu nnyumba ya Simoni omugenge kweyasembereza Kristo, yayasa ecuppa ey'amafuta ag'omuwendo omungi kubigere bya Yesu, Kristo yagamba nti:

Kyenva nkugamba nti Asonnyiyiddwa ebibibye ebingi, kubanga okwagalakwe kungi; n'oyo asonnyiyibwa akatono, okwagalakwe kutono. Namugamba nti Osonnyiyiddwa ebibi byo. Awo abali batuddeku mmere naye nebatanula okwogera bokka nabokka nti Oyo yaani asonyiwa ebibi? Nagamba omukazi nti Okukkirizakwo kukulokode; genda mirembe. Lukka 7:47-50

Wano ebigambo "Olokoledwa" ne "Osonnyiyiddwa" bikosezebwa ngabitegeera amakulu gegamu. Naye tekiri nti obulokozi bugattiddwa n'okusonnyiyibwa. Mu Befeso Paulo yenkanyankanya okununulwa okuyita mu musaayigwe:

okusonnyiyibwa okw'ebibi byaffe, nga obugagga bwekisakye bwebuli.
—Befeso 1:17

Enzikkiriza y'abatume, enzikkiriza enkadde era (enjatiikirivu) eba ntuufu bwekiraga nti okusonnyiyibwa kw'ebibi kyekitundu ekyetaagibwa eri eddiini y'obukristayo. Munzikiriza yonna eyabatume, okusonnyiyibwa kw'ebibi ky'ekintu kyokka eky'ogerwa kubulokozi.



Nzikiriza Katonda Kitaffe omuyinza w'ebintu byonna; Omutonzi w'eggulu n'ensi.

N'omwanawe Yesu Kristo, Mukama waffe; eyazaalibwa omukazi atamanyi musajja, eyali olubuto olw'omwoyo omutukuvu; eyabonyabonyezebwa kumirembe gya Pontio Pirato; n'akomererwa kumusaalaba, naafa, era n'azikiibwa;

Nakka emagombe mubafu; kulunaku olwokusatu nazuukira mubafu;

Nagenda muggulu; era atudde kumukono ogwaddyo ogwa Katonda Kitaffe omuyinza w'ebintu byonna; alikomawo okusala omusango ogwabalamu n'abafu!

Nzikiriza omwoyo omutukuvu; n'ekkanisa entukuvu eyaba kristayo; nokussa ekimu okw'abatukuvu; n'okusonnyiyibwa kw'ebibi; n'okuzuukira kw'omubiri, n'obulamu obutaggawo!

"Nzikiriza mu... kusonnyiyibwa kw'ebibi" Ebibi bisonnyiyibwa kuyita mukukkiriza kyokka! Mulinnya lya Yesu, kululwe, olw'ekyo kyeyakola era kyeyabonobonera. Era bonna abakkiriza balokolebwa wamu n'okufuna obulamu obutaggwaawo.

Bwe kityo, oyo aba asonnyiyiddwa alokolebwa era alina obulamu obutaggaawo. Tewali ayiinza kusoma bigambo bya Yesu Kristo oba ebigambo by'abatume ayiinza okugaana nti amazima gano amakulu gwe mutima gw'ekkanisa n'amaanyi mukyaasa eky'ekkumi n'omukaaga.

Omwoyo gw'Enjiri

Zabbuli 32 yeemu ku Zabbuli enkulu Paulo gyajuliza mu kitabo kya (Baluumi 4:6-8) Zabbuli eno ebikkula amakulu g'ekinnyusi ky'obukristayo.

Awereddwa omukisa asonnyiyiddwa ekyonoonokye n'ekibi kye kikwekeddwa.
Awereddwa omukisa Mukama gwatalira Butali butuukirivu, ne mumwoyogwe temuli Bukuusa. Bwenasirikanga, amagumba gange gakaddiwanga, olw'okukaaba kwange Obudde okuziba.
Kubanga emisana n'ekiro omukonogwo Gwanzitowereranga: Amaziga gange ne gakaliranga ng'olwomusana Ogw'ekyeeya. Nekwaatulira ekibi kyange, n'obutali butuukivu Bwange nesibukweeka: Nayogera nti Mukama naamwatuliranga Ebyonoono byange; Kulw'ekyo buli atya Katonda akusabenga mubiro by'oyinza Okulabikiramu: Mazima muntaba ez'amazzi amangi tebalituuka Gyali.
—Zabbuli 32:1-6

Tuyinza okukyuusa embooji esembayo, “Eno y'engeri omuntu atya Katonda gy'asabamu” Mubigambo ebirala, guno gwe mwoyo gw'omuntu atya Katonda. Omuntu omusanyufu (oyo yemuntu aweereddwa omukisa) ye muntu asonnyiyiddwa okwonoonakwe era nga ne mu mwoyogwe nga temuli bulimba (ennyiriri 1-2). Baibuli eya King James ekigambo “obulimba” ekikyusa ne kiyita “obukuusa” Ekigambo “awatali bukuusa” kikozezebwa okunyonyola abantu abo abalasisinkana Kristo mukukomawo kwe “ (Kubikulirwa 14:5) Beebo ababeera muni nga tebeefudde ekyo kyebatali, nga tebalina bukuusa, abaatula n'amazima obwetaavu bwaabwe obw'ekisa kya Katonda. Babeerawo lwakusonyiyibwa bibi.

Yokana alabula:


Bwetwogera ngatetulina kibi, twekyaama fekka, so nga n'amazima tegali mufte. Bwe twaatula ebibiyaffe, ye wamazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazako byonna ebitali byabutukirivu. —1 Yokana 1:8-9

Tulina ensonga bbiri wano. Esooka, okusonyiyibwa kw'ebibi gwe mutima gwobubaka bw'enjiri. Eyokubiri, z'empisa oba omuze omukulu ogw'ekibiina ky'abakristayo kwekuba nti buli kiseera b'atula obutakkiriza bwaabwe era n'okubeera mubwetaavu obw'okusonyiyibwa ebibi. Olwo baba balina obulamu obutaggaawo era babeera nga balokoleddwa.

ba Lawodekiya abeewa obutuukirivu, abatawulira!

Tewali mubujjuvu kintu kisobola kuyingira munda mubigendererwa by'empisa ng'ekirowoozo ky'okusonyiwa kwa Yesu Kristo okw'okwagala. Ekirowoozo ky'okwagala tekigenda kubeera kinene nnyo okutuusa ngatutegedde obukulu bw'okusonyiyibwa. Ekyo ekireeta obulamu obuwaanguzi obwamazima

mumaaso ga Katonda kwekukkiriza oba okwaaniriza amazima amakulu ag'obubuka bw'Enjiri. “Kubwoyo okuggyibwako ebibi kubuliddwa” (Bikolwa 13:38).



Omuwandiisi eri Abebulaniya agamba nti Omwoyo guteekwa Okulongoosebwa okuva mubikolwa ebifu olw'okuweereza Katonda. Gwe musaayi gwa Kristo, ogwayiika olw'okusonyiwa ebibi, ng'omusaayi ogwo gwokka gwegusobola okulongoosa Omwoyo. (Bebulaniya 9:14, 22) Kusonyiyibwa bibi olwo musaayi gwa Yesu gwokka gwegunatusobozesa okuyimirira mumaaso ga Katonda ngatulina omwoyo omulungi. N'olwekyo tetugenga kusobola kuweereza Katonda mumazima wabula nga n'essannyu tukkiriza okusonyiyibwa kw'ebibi. Okusonyiyibwa kw'ebibi ntandikwa nkulu mukulekeraawo Okwonoona. Okuwulira omusango lye kkolero erivaamu Ebika by'ebibi byonna. Paulo agamba, “Kubanga ekibi tekiberenga mukama wammwe” (Baluumi 6:14). Olowooza Paulo ayogera atyo lwakubanga tuba tujuziddwa Omwoyo Omutukuvu era nti munda Mulimu obulamu obutuwa amaanyi okufuna obuwaanguzi ku kibi, Paulo yalibadde ng'awa ensonga. Ekyo akikwaatako mu ssuala ya Baluumi 8.

Naye mu Baluumi 6. agamba nti: “Ekibi tekiberenga mukama wammwe; kubanga amateeka sigegabafuga, wabula ekisa” (Baluumi 6:14). Ekisa mubwangu kwe kusonyiyibwa kw'ebibi.

Iw'akubanga tasobola kwewaliriza kusonnyiwa mugandawe okuva mu mutimagwe ye kennyini. Kale omufalisayo, omuddu ataasonnyiwa, n'omwana omukulu ataasonnyiwa mutowe basalirwa omusango? Bagaana omwoyo ogw'okusonnyiwa. Emyoyo gyabwe gyaali tejinyikidde kusonnyiwa, bwekityo bonna tebasonnyiwa baganda baabwe. Bwekityo tebaalina kisa. Ate nga n'oyo atasala musango na kisa, Yakobo amwogerako nti naye agenda kusalirwa omusango awatali kisa (Yakobo 2:13)

Omuntu owa Lawodekiya ye Mufalisayo eyerabidde nti Katonda wa Baibuli siye Kotonda atukuza abantu abalungi. Ye Katonda akola ebintu ebitasubirwa, ebitawulirwangako. Awa ababi obutuukirivu era asemeza ababi (Baluumi 4:5; Lukka 15:2; Matt 9:13) Abanaku, abaavu, ababooledwa, abo abakaabira Katonda okufuna ekisa ky'obwakatonda era abaagala okunnywegera ekisa kya Katonda, bulijjo besanga nga bali mubwakabaka bwa Katonda, So nga abantu abalungi, abassibwaamu ekitiibwa basuulibwa ebweeru.

Ebibala eby'Enjiri.


Tetuteekwa, nakatono kunnyooma bikolwa birungi. Ebyawandiikibwa biyigiriza bulungi nti mukusala omusango Ogusembayo ebikolwa byaffe bigenda kuba bujulirwa obwo Kukkiriza kwaffe. Naye oluusi twelabira ekika ky'ebikolwa ebirisimibwa mu musango. Ebikolwa



tebigenda kubalibwa.

Ng'ebiyomuwendo kulw'endabika

yaabyo. Baangi abaliyingira mu musango nga balina ebikolwa ebirungi. Naye Mukama alibaddamu oba alibagamba nti "Sibamanyaangako, mmwe muve wendi mwenna abakola eby'obujeemu (Matt 7:23). Kubanga ekigulumizibwamubantu kyamuzizo mu maaso ga Katonda (Luk 16:15). Kale no ebikolwa Katonda abisalira atya omusango? Bikolwa byangeri ki Katonda byalisiima mumusango?



Kale laba omukazi eyali mukibuga omwo, eyalina ebibi bweyamanya ng'atudde kummere mu nnyumba eyomufalisayo, naleeta eccupa ey'amafuta ag'omugavu, n'ayimirira emilanamiro kubigere bye ng'akaaba, n'atanula okumutonnyeza amaziga kubigerebye n'abisaangula n'enviriri ezokumutwegwe, n'annywegera ebigerebye n'abisiiga amafuta. —Luk 7:37-38

Ekikolwa ky'omukazi ono tekyaalabika ng'ekikulu. Mazima kyaliswaaza eri bonna abaali mu nyumba. Naye Kristo yeyali omulamuzi era awo weyalagira ekifaananyi ky'omusango ogw'enkomerero. Yagamba "Mumuleke; mumunakuwalizaki? Ankoledde ekikolwa ekirungi (Mak 14:6). Eyo yeyali ensalaye ey'omusango. Yagamba nti ogwo gwali mulimu mulungi oba nti kyaali kikalwa kirungi. Lwaaki? Kubanga kyana mukwebaza okw'ekisa kya Katonda. Yali asonnyiyiddwa nnyo, bw'atyo n'aba ng'okwagalakwe kwali kungi (Lukka 7:47).

Tewali kikalwa ekikolerwa abaana ba Katonda—newankubadde ekikopo ky'amazzi amannyogovu ekiweereddwa omwana omuto kyokka mulinnya lya Yesu (Mak 9:41)—ekigenda okwerabirwa bwekiriba nga kivudde mukwebaza olw'okusonnyiyibwa ebibi. Kugerageranya kwakyewuunyo n'ebikolwa by'abantu

Obwennkanya bwa Katonda bwagala obutuukirivu obutukiridde. Katonda omutuukirivu tassa mutindo oba ddala lye, kubanga kakati tuli bonoonyi. Katonda yetaaga buwulize eri amatteekage amatukuvu nga obutukirivu bweyali ayagala. Adamu okubeera nabwo nga tanagwa. Obutaba nabbanja lyonna, tuba ngatulina okulaba ngatutuukiriza etteeka kyeritubanja akaseera konna ak'okubeerawo kwaffe. Naye eriyo omuntu yenna ajjuziddwa omwoyo omutukuvu alina okutuukiriza etteeka kyeryagala mubula buno? Mumazima tewali. Yakobo agamba, "Ffena tukola ensobi nnyingi" (Yakobo 3:2) Yesu atugamba nti tuteekwa okwogera nti; "Tuli abaddu abatasaanira" (Lukka 17:10) Abantu bonna beyongera kukka wansi mukubeera n'ekitiibwa kya Katonda. Singa omuntu yenna agamba nti atuukiriza ekimulagirwa, singa omuntu yenna mukibiina kyabakristayo alemwa okwogera nti ayonoonye mukigambo, nemukiwoozo, nemukisolwa ekipimo ekikulu eky'etteeka lya Katonda, omuntu oyo abeera mulimba era n'amazima tegabeera muye. Okusaba kwa Daudi ffena kutukwatako "So tosalanga musanga gwa mudduwo; kubanga mumaasogo tewali muntu mulamu alisinga" (Zabbuli 143:2)

Kristo ng'amaze okunaaza ebigere byabayigirizwa kukyeggulo ekyenkomerero, ekiragiyo kya Mukama waffe kyakakasa obwetaavu obwabuli kiseera obw'okunaazibwa n'okusonnyiyibwa (yokana 13:3-15). Era Kristo teyatuyigiriza nti tetuteekwa kusaba mulundi gumu, si leero oba olulala, naye buli kiseera nga bwetusaba emmere yaffe eyabuli lunaku—"Otusonnyuwe amabanja gaffe nga bwetusonnyiwa betubanja" (Matayo 6:12)?

Amateeka gonna "ebbaluwa ya Bagalatiya egamba nti" Amateeka gonna gatuu kirizibwa mukigambo kimu, "Oyagalanga muliraanwawo ngabweweyagala wekka" (Bagalatiya 5:14). Kristo yagamba nti:

Yagala mukama Katonda wo n'omutima gwonna n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna. Kino kyekiragiyo ekikulu eky'oluberyebere. Nkyokubiri ekikifaanana kyekino nti Yagalaanga muliraanwawo nga bweweyagala wekka. Mubiragiyo bino byombi amateeka gonna mweggasinziira era ne Banabbi. —Matayo 22:37-40

Amateeka galagira kwagala—kwagala Katonda n'omuntu. Tuteekwa kusooka kukulembeza Katonda, oluvannyuma tumusembyeyo era yasukkuluma buli kintu. Tuteekwa okwewaayo gyali n'obulamu bwaffe n'amaanyi gaffe gonna. Okuteendereza n'okwebaza biteekwa okugenda gyali buli lunaku. Era tuteekwa okufaayo eri baliraanwa baffe kulw'obulungi bwaabwe nga bwetwalyagadde naffe okubeera. Tuteekwa okubaagala nga bwetwalyagala ffeka. Paulo agamba: "Temubanga na banja eri muntu yenna, wabula okwagaalananga" (Baluumi 13:8). Naye bwetuyimirira wansi w'okwekkenenneyezebwa kwe tteeka, ddala tulwoozza ngatusasudde ebbanja lyaffe? Mumazima sibwekiri! Tuteekwa okukweeka okulemwa kw'obutatuukirira bwaffe mu Kristo.

Naye bangi tebaagala kuwummulira ddala kusonyiyibwa kwabibi. Emirundi mingi kiwoozzebwa nti singa abantu bawummula olwokubanga basonnyiyiddwa ebibi byaabwe, nti olwo baja kuba nga bakuba gudiikudde, babeere nga bagayaavu era baleme kufaayo kutuuka kubuwanguzi mukuwangula ekibi.

Olwo waba wasigadde buteesiga nti enjigiriza eno efa kukusonyiyibwa kw'ekibi nti sinnungi kugitambuliramu. Twagala Eddiini etuweesa ekitiibwa- eddiini etuggya mubbanja oba okusingira ddala eddiini etuyamba obutabeera



mumabanja.

Naye ekirabo ky'omwoyo omutukuvu kijjira wamu n'ekirabo ky'okusonnyiyibwa kw'ebibi. Eri Koloneriyo, "Omwoyo Omutukuvu yajja kubantu bonna abaawulira ekigambo (Bikolwa 10:44; gerageranya ne Bikolwa 2:38) Omwoyo omutukuvu wabeera, n'ebirabo eby'omwoyo webibera. Mumazima wateekwa okubaawo okufaayo kukubeera n'obulamu

obutya Katonda era n'okuwanguka ekibi mubulamu bwa Bakristayo. Naye ensonga erina okunyweezebwa yeeno nti: Aabaana ba Katonda tebajja kutuukibwako buwanguzi kukibi bwebanaaba nga tebasanyukidde bubaka obw'okusonnyiyibwa ebibi.

Omwoyo Ogwe Kifalisayo

Ekkanisa ya Lawodekiya egamba "Ndi mugagga, era ngaggawadde, So siriiko kyenetaaga" (Kub 3:17) Eddiiniye kkanisa ya Lawodekiya yeemu neye Kifalisayo. Oluusi n'oluusi tuzimbulukusa era netutegeera bubu. Abafalisayo era netubafuula ekintu eky'okusekererwa netutalaba nga naffe bwetufaanana.

Engero za Kristo tezaweebwa kubikkula ddiini ya Kifalisayo, silwakuba nga yali tabaagala, nedda, naye lwakubanga yali abaagala!! Engero zino ziraga obubaka bwa Kristo eri abantu be kannisa ya Lawodekiya.

Olugero olw'abantu ababiri abageenda okusiinza mu Yekaalu Omu yali Mufalisayo, omulala yali muwoza. Awatali Kubuusabuuusa omufalisayo yali muntu wa kkanisa ya Lawodekiya. Bweyasaba, yebaza Katonda olw'ebintu Byakola, era yawa Katonda ekitiibwa olw'embeera eyo Ennungi (Luka 18:11) Naye ekitaali mukusabakwe kyaali kimu, teyasabakusonyiyibwa bibibye. Teyawulira bwetaavu. Era olw'okuba teyawulira bwetaavu bwakusonyiyibwa, ng'omuwoza, wabula yanyoomola monyoomole. Newankubadde ng'omufalisayo yali muntu mulungi—nga amalaala agayonjebwa obulungi, gona ngamalungi era nga mayonjo—naye munda muye mwaalimu omuzimu omubi. Kungulu, yali muntu mutukuvu. Teyalabika ng'eyaliko ekimubulako. Naye eddiini asukkawo nnyo okuva kundabika y'omuntu ey'okungulu. Eddiini yo, etunuulira mbeera yamunda mumuntu. Ekyawaandiikibwa kigamba nti, "Laba gw'oyagala ebyomunda by'amazima, era mu mwoyo ogutalabika onomanyisa amagezi" (Zabuli 51:6) Omufalisayo teyasaba kusaasirwa kuva eri Katonda, Bwatyo n'aba nga yali ayimiridde mumaaso g'Entebbe ya Katonda ey'omusango awatali kisa (Luka 18:14)



Olugero lw'abantu ababiri abali babanjibwa.

Mulugero lw'abantu ababiri abaali babanjibwa era tweyongera okulaba Lawodekiya—ne Lawodekiya mufte. Omusajja yali nga abanjibwa Kabaka ebbanja ddene. Kabaka bweyagamba nti ye nebyonna byeyalina bitundibwe ebbanja ligwe, gwebabanja yagwawansi neyegayirira nti; "Mukama wange, onsaasire, nange naakusasula ebbanja lyonna (Matayo 18:22). Kabaka yamukwaatirwa ekisa bw'atyo n'amusonyiwa. Naye bweyafuluma ebweru n'asanga munne Gweyali abanja obusente obutono. Yamuvuumbagira, Namugwa mubulago, nag bwamubanja nti: "Sasula ebbanja Lyange" (olunyiriri 28) Muddu munne ono yegayirira mungeri yeemu nga naye bweyegayirira "Mmanja mpola, nange ndikusasula" (olunnyiriri 29). Yamutwaala butwaazi mukkomera. Abaddu abalala bwebalaba ekigambo ekyo, baagenda mangu eri kabaka nebamutegeeza.

Kabaka yasunguwala nnyo, era namugamba nti "Ggwe omuddu omubi!" "nakusonyiwa ebbanja liri lyonna, kubanga wanegayirira, naawe tekikugwanidde kusaasira muddu munno nga nze bwenakusaasira ggwe?" (ennyiriri 32, 33)

Obuzibu bw'omusajja asooka okubanjibwa, buzibu ki? "Mmanja mpola, nange ndikusasula" Yayagala okusonyiyibwa kwa kiseera kimpfi. Yayagala ebbanja alisasule mungeriye. Yayagala okulaga kabaka nti yali agenda kumusasula ebbanja lyonna, kyekyaava kimubeerera kyangu okulowooza nti nemuddu munne yali alina okusasula ebbanja lyonna. Teyakkiriza mwoyo gwakusonyiyibwa. N'olwekyo te yayagala kusonyiwa. Omuntu yekka asonnyiyiddwa yoyo ayinza okuba omuntu asonnyiyiwa.

Olugero lw'abaana ababiri.

Mulugero olw'abaana ababiri, omwana omuto yagenda muni ey'ewala era kunkomerero gyeyeesanga ng'ali mukisibo ky'embizzi. Omwana omukulu—omwana omulungi—ye yasigala awaka bulijj ong'akola emirimu egyamulagirwanga.

Kunkomerero y'olugero, taata yayaniriza omwana omuto Mukujjaguza okw'ekitalo! Naye omwaana omukulu Teyasobola kusonyiwa mugandawe omuto eyali Awanganguse. Ng'omufalisayo, yatunuulira Ebbanga eggwaanvu lyabadde akabassana n'emirimu n'obwesigwa. Kye yali asobola okukola kwe kwogera kukutukuzibwa kwokka.

Mungero zinno esatu, mulimu ekifananyi kyembeera y'omuntu eky'ennaku era n'obubaka bwa Kristo eri ekkanisa

ey'omulembe ogusembayo. Bonna bayonoona. Bonna beyongera bweyongezi obutatuuka kukitiibwa kya Katonda. Abantu bonna basaliddwa omusanogo okujjako nga Katonda aliko kyakoze. Olwekisakye ekyekitalo era ekitayogerekeka. Ffena tuyimiridde mumaaso g'entebbe ey'omusango nga twetaaga kisa. Naye ekynnaku kyekino: omufalisayo, omuddu, eyagwa muddu munne mumalaka, n'omwana omukulu ataalina kusonyiwa, tebasonnyiyiwa banaabwe. Bwe kityo nabo nebabeera nga tebakwaatirwa kisa.

Tuteekwa okwongera ensonga eno mumaaso. Omutama gw'omuntu omwonoonyi mubutonde bwaagwo tegusonyiwa. Bwekityo omuntu tasalirwa musango

